

29th January 2017.

EMIGANYULO EMIYITIRIVU GY'OBULAMU

BW'OBUTTEKKIRIRANYA.

(The awesome benefits of an uncompromising life.)

Danyeri 1:9 -21.

Amakya ga leero mu musomo gwaffe ogw'okubiri mu kitabo kyaffe eky'omwaka guno 2017, ekya Danyeri, tuneeyongera mu ssuula essooka mwe twasooka okulabira omulundi oguwedde omulamwa gw'OKUSOOMOOZEBWA KW'OBULAMU OBW'OBUTEKKIRIRANYA.” Mwe twalabira engeri y'ennyanjula Danyeri gye yawa entandikwa z'ekitabo kino. Ng'atuwa obuva bwabwe ne bwe gwaali okutuusibwa e Babulooni, era mu Bakaludaaya.

Mu kkyeetegereza, oyinza okkiraba nti emiramwa gyaffe gy'ombi gy'essuula eno essooka gye giringa egituwa omusingi gw'ekitabo kino, kuba n'olunyiriri olusembayo mu ssuula luwa enzingo, y'obulamu bwa Danyeri, eyakiwandiika oluusi mu buntu obw'okusatu.(Ng'awa 'report.'!)

N'era enfaananyirizo nnene y'obulamu bwa Yozefu/Yusufu gwe twasomako mu Lubereberye ne Danyeri, nga bwe kyaali nti bombi mu myaka gyaabwe egy'obuvubuka egy'ekitiini, baggibwa ewa boobwe, ne bawangangusibwa, kyokka ne batekkiriranya mu bumalirivu obuteeyonoonesa, era wadde bayita mu kusoomezwa okukakali Mukama yali nabo era n'abawa okuganja, okkuzibwa, n'amagezi amayitirivu, omwaali obusobozi okuvvunula ebirooto n'okwolesebwa, okwalemwa bakagezimunyo, n'abafumu bonna mu bwakabaka gye baali.

Tusome nny.9 -21, tulyooke tunokoleyo ebitulagwa mu bulamu bw'abavubuka bano. Emiganyulo emiyitirivu gy'obulamu bw'obutekkiriranya, ekinaatusikiriza wewaawo naffe okuba nga bbo, okuweesa Mukama ekitiibwa ekimusaanidde, awamu n'okutuukirizibwa kw'obutonde bw'obulamu bwaffe.

Kye tusooka okulaba, ekiri mu lny. 9....

Kwe kuba nti Mukama, yeesowolayo mu maanyi ge era obusobozi bwe okulaga ekisa n'okusaasira, oba okuganja eri abo abayimirira ne bamalirira obuteeyonoonesa oba kwekkiriranya.

Ky'ekimu ekyabasobozesa okunyirira emirundi kkumi okusinga abalala....

Ssi nti enva endiirwa, n'amazzi binyiriza omuntu ekiyitiridde kw'abo abalya ebirala, wabula waaliwo obusobozi bwa Mukama obw'enjawulo obwabaggira mu mbeera eyo kubanga baasalawo okumugondera ne bamweesiza obulamu bwabwe. Ekyo tukiraba emirundi egiddiŋŋanwa mu kitabo kino, nga mu ssuula ey'okusatu, abasatu bwe baasuulwa mu kikoomi ky'omuliro, awamu ne mu ssuula 6, Danyeri bwe yasulwa mu mpologoma. Era nze nkiwa nti "kuba teyalya, naye teyaliibwa." (If you don't eat you will not be eaten.)

Tukkiririza mu Katonda eyasuubiza obutatuleka wadde ottulekerera, wabula era agamba nti bwe tunakwatibwa ensonyi ku lulwe ku nsi naye anaatukwatirwa ensonyi mu maaso ga Kitaffe ne Bamalayika b'eggulu.

Eky'okubiri kye tulaba kwe kuba n'obuvumu awamu n'obunyiikirivu obwamaanyi eri eby'obutuukirivu. Nga Danyeri ne banne bwe bataapowa, Asupenaazi bwe yabannyonyola kye yali atya ku bubwe...beyongerayo eri omuweereza we abagezese balabe bwegunaaba, era ne bayitira waggulu ekigezo.

N'era kye tuliraba mu ssuula eziddako gyebali nti baanyweerera ku nsonga buli lwe baalina okusoomoozebwa eri ekyaabeetazanga okuyimirira mu butuukirivu bwa Katonda waabwe.

Eky'okusatu kye tubuulirwa mu Inny. 17.... ..

Kwe kuweebwa amagezi, n'okutegeera, ebisukkulumu, eri okumanya kwonna, n'eby'omwoyo, ne waba n'okusukkirira ku balala bonna.

Nze nkitwaala ng'eddaala/omutendera ly'okujjuzibwa Omwoyo ery'awagguluko ku balala.

Okuba n'amagezi n'okutegeera ku nsi bye bisowozaayo abantu ku bannaabwe, nga bwe twaalaba kiggisa Yusufu mu kkomera ku makya, bwe bwawungeerera nga Katikkiro mu Misiri. Ate kuba nga bwe kiri gw'aba n'ekyokuddamu mu buli nsonga...Kuba Mukama aba akwesigisa ekitiibwa kye ekiyitirivu. Ng'enny.19b,20 bwe zigamba.....

N'eky'okuna era ekisembayo kye tulaba bwe buwangaazi, obutubuulirwa mu Inny.21.... Kubanga Mukama yekka y'asobola okukuuma obulamu bwaffe mu bizibu n'emitawaana gy'ensi, okutuusiza ddala w'atuukiriza okwagala kwe mu bbwo. Danyeri yafuga mu myaka egyo gyonna mu Bakaluddaaya , ne bwe baawambwa Kabaka Kuulo n'asigala mu buweereza era ye yali omusaale mu

kuzzibwaayo kwa Ba Isirayiri ewaaboobwe nga Mukama bwe yali yalanga eri
Kuulo